Students Name: ……………………………………………………………………………

School Name…………………………………………… Index Number ……………

335
LUGANDA
PAPER 2
JULY/AUGUST 2025
$2\frac{1}{2}$ HOURS

# HES MOCK EXAMINATIONS 2025

## UGANDA CERTIFICATE OF EDUCATION

## LUGANDA 2

## OLUPAPULA OLW'OKUBIRI

## ESSAAWA BBIRI N'EKITUNDU

**EBIGOBERERWA**

- Olupapula luno luganyiziddwa ebitundu bisatu A, B ne C.
- Awamu mulimu ebibuuzo bina
- Ekitundu A ne B **byabuwaze**
- Mu kitundu C mulimu nnamba bbiri kolako nnamba 3 oba 4
- Ddamu ebibuuzo bisatu awamu
- Ebibuuzo ebisukka mu by'olagiddwa tebijja kugololwa
- Ebyokuddamu biwandiike mu mpapula ezikuwereddwa.

## EKITUNDU A

1. Soma ekitundu kino wammanga n'oluvanyuma oddemu ebibuuzo ebikuwereddwa ku nkomerero yaakyo.

### EYALI BINOJJO AFUUKA LUNKUMPE

Ng'omuyizi eyali yakatikirwa, Walusansa yalina ebiruubirirwa bingi era ng'amaliridde okuyitimuka mu bulamu; yafuna ddiguli mu mbeera z'abantu era eky'omukisa nga wayise emyezi mibale yafuna omulimu gw'ekirooto kye ogw'okukwataganya ensonga z'abakozi mu kitongole ekiruŋŋamya abakozi mu ggwanga. Yafunanga omusaala mulungi ddala era ng'omuvubuka embulakalevu atannawasa era amanyi ky'ayagala,yettanira nnyo okutereka okusinga ensimbi okuzisaasaanya. Yayagala nnyo omulimu gwe era ng'aguwa obudde. Buli lunaku ye yasookanga okutuuka ku mulimu era nga yasemba okuvaawo.

Kino kyamuleetera okuganja ewa mukamaawe era oluvannyuma lw'omwaka gumu, yakuzibwa nafuuka omukwataganya w'ensonga z'abakozi ow'okuntiko era n'omusaala gwe ne bagwongeza bw'atyo ne yeeyongera okukola obulungi.

Mu myaka etaano yali amaze okugula ettaka n'okwezimbira ennyumba ey'amaka, waayita ebbanga ttono n'awasa omukazi w'ekirooto kye Makula. Makula yali mukazi mulungi kaalaala era bombi ne batandika amaka gaabwe mu mukwano omuyitirivu. Makula naye yali yasoma nga yafuna ddiguli mu by'obulambuzi naye nga tannafuna mulimu.
Walusansa teyalwa n'amuggulirawo edduuka eritunda engoye zabakyala.

Edduuka lyasikirizanga abaguzi bangi olw'okuba lyali lijjudde engoye ate nga liri mu kifo kirungi. Omwaka ogusooka we gwaggweereako nga bamaze okugula emmotoka bbiri emu ya Walusansa andala ya Makula.

Mu kiseera ekyo, Walusansa yayagala bazaale omwana waabwe omubereberye mu bufumbo naye Makula n'agaana ng'awoza kimu nti talina kimupapya kufuna lubuto kwonoona bulungi bwe n'endabika ye kubanga yali akyayagala okulabika obulungi era ng'asikiriza.

Olwo nno yatandika okukozesa nga ensimbi z'edduuka agule eby'okwewunda ebyebbeeyi omuli ppawuda, engatto n'ebiteeteeyi. Yayiwaayiwa nnyo ensimbi okutuuka ku ssa ery'okwambala ekiteeteeyi ekipya buli lunaku. Waalingawo nengoye ze yayambalangamu omulundi ogumu gwokka n'azigabira mikwano gye n'eηηanda.

Tekyewunyisa nti edduka lyatandika okusereba, Walusansa ye ng'anyiikira kulyongeramu nsimbi naye era oluvannyuma lyagwa.
Ekintu ekyo kyanyiiza nnyo Walusansa era nekireetawo obutakkaanya wakati wabafumbo bano. Mukyala Nanfuka ssenga wa Makula bwe byamugwa mu kutu yasitukiramu ng'eyatega ogwekyayi. Teyalwa n'aaletera omuwala eddagala asobole okutaasa amaka. Eddagala erimu lyali lyakussa mu mmere ya Walusansa ne mu by'okunywa bye ate eddala nga lya kussa wansi wa kitanda kyabwe. Olw'okuba Makula yali atya nnyo okufiirwa obufumbo bwe, yagoberera ebiragiro bya ssenga byonna.

Eddagala bwe yali yakatandika okulikozesa ly'alabika ng'erinaakola kubanga bba yakkakkanamu okumala ennaku nga ziizo naye oluvanyuma ate yatabuka buto n'asinga ne bwe yali mu kusooka.

Obutakkaanya ssaako eddogo mu maka byatabula nnyo Walusansa n'atandika okutuuka ku mulimu ekikeerezi ssaako n'okuvangayo nga bukyali. Kyaddaaki yaweebwa ebbaluwa emulabula.
Makula bwe yabitegeera, yayita ssenga we abasalire ku magezi. Mu kiseera ekyo ssenga yabawa ga buwa kugenda ku muganga.

Olunaku lwe baasooka okukyala ew'omusawo, yabasaba buwanana bwa nsimbi ze baali batalina ekyo ne kibaleetera okutunda emu ku mmotoka zaabwe okumusasula. Mu kiseera kyekimu Walusansa yatandika okufuna obulwadde bwa ppuleesa eyamukasa ennyo amaaso nga takyalaba bulungi. Akawungeezi akamu bwe yali ng'avuga emmotoka eva ku mulimu, yatomeregana n'emmotoka eyali esimbye ku mabbali g'ekkubo.

Eky'omukisa teyafa naye yo emmotoka emu yokka gye baali basigazza, yaggwawo. Mukyala we yanyiikiranga kugenda ku basawo bakinnansi nabo nga bongera kubasaba musimbi ekyabaviirako okutunda ennyumba yaabwe.
Baawunzika bazze mu kupangisa buzigo bubiri mwe baabeeranga ennaku nebakommontera omwo.

**EBIBUUZO**

a) N'gosinziira ku kitundu ekyo waggulu laga engeri Walusansa gy'eyafunamu obugagga bwe.
b) Nnyonnyola engeri ekitonde ekikazi gy'ekizimbiddwamu mu mboozi eyo waggulu.
c) Nnyonnyola ensonga ezaaviirako obugagga bwa Walusansa obutabeerera /obutawangaala.

2. Mukwano gwo ayagala kugenda ku bukojja bwe wabula ayagala agende ng'amanyi obuvunaanyizibwa bw'omujjwa. Weeyambise ekitundu kino wammanga ofunze mu bigambo nga 100 ku buvunaayizibwa bwayolekedde ng'omujjwa.

Tulina obulamu bwawaka obunyumira ennyo abantu era abantu abasangibwa awaka era nga buli ssekinoomu ayina eddimu lye ery'okugusa abandi bwe bayita obuvunaanyizibwa nze kamwa koogera leero njagala nkulombojjere ku muntu omu yekka ayitibwa omujjwa kubanga wa nkizo nnyo mu maka g'omuganda.

Omujjwa gwenjogerako ye mwana w'omwana omuwala. Singa ennyumba ezimbibwa nga tebanagiyingira ntegeeza nti ekyali mpya omujjwa alina okukumamu ekyoto mu nzimbe eyo nti kaba kabonero kokugiwa emikisa abantu abayingiddemu bagifunemu emikisa n' ebirungi ebitagambbika. Laba no omuganda tomwawukanya na ndeku anti munnange omwenge gumwa enge yonna kati no wano omujjwa nga tebanasogola ye yasookanga okulinnya mu lyato nga ppya okuliwa emikisa eri abo bonna abanaayisizangamu otwenge abanywi basobole okusanyuka n'okuweweeza amawugwe.

Mu kwalula abalongo omujjwa mpagi nkulu era waataba tebigenda bulungi era nebwaba bunayira bamukima asobole okumala omukolo guno ku kiseera ky'okuwunya ku gwa ddyo alinnya mu mmere anti olwo nga afundikira omukolo gw'okulya era bwamaliriza okulinnyamu abali mu ddiiro w'ebakoma ye n'atwala okugabula bajjwa banne abalala. Takoma awo wokka agatta Nnaalongo ne bakadde be mu kwalula abalongo era obuko ne buggwawo. Ate bwewabawo omutawaana gamba okufiirwa atema ebisiki okusobola okukuma

ekyoto mu lumbe obudde nga buzibye kisobozese okugoba ensiri n'okumanyisa abalala nti waliwo omutawaana era wano omujjwa bamulaga ekifo ekituufu wasaana okukuma ekyoto. Bwe kituuka ku bannaffe abeeyimbamu ogwa kabugu ηηamba omuguwa ,omuntu ono y'asala omulambo gw'omuntu oyo abeera yetaddemu omuguwa okuva ku muti wabeera yetidde n'okutemawo omuti ogwo kwabeera yeetugidde watera okubaawo enkaayana ku kifo ky'okuziika.

Omuntu oluusi n'okuziikula oba okujjulula omulambo gutwalibwa mu kifo ekirala ne wano no omujjwa yakulembera omukolo guno era aweebwa embuzi oba enkoko jjukira enkoko ekokoola byonna biveewo. Kigambibwa nti agema omulambo guleme kulibwa basezi kino okikola ng'asuula mu ntaana empiso zino ezitunga engoye. Ate olumbe nga lutuuse okwabizibwa nawo nno batwala ekifo kya kumwanjo kubanga bwebaba babaaze ensolo emitwe gyonna oba mbuzi oba nte ezibeera zitiddwa mu lumbe giweebwa mujjwa okusobola okusasula emirimu gy'abeera akoze mu lumbe awo jjukira nti kya mpisa okusiima akukoledde ebirungi.

Bwatuuka mu kulongosa ng'olumbe luwedde y'akulemberamu okwera eddiro era kyonna kyasangamu akitwala olaba no bwafunamu ebirungi kyokka nga n'eddiro linyiridde ebitagambika. Kankome wano emboozi y'omujjwa tegwayo tulisisinkana olundi kawamigero akuume.

**Ddamu ekibuuzo kimu ku bikuwereddwa wammanga**

3. Kasasiro gye buvuddeko yabumbulukuka n'atta abantu Olw'okumulagajjalira. Katikkiro wa Buganda ye agamba nti "singa tudda ku nkola y'abaganda ey'okukuuma obuyonjo abantu bandiwangadde. Mutoowo oluwulidde ebigambo bya katikkiro ebyo

n'ayagala okumanya Abaganda engeri gye baakikolangamu. muyambe omubuulire byonna abaganda bye baakolanga okwewala embeera nga eyo waggulu okubatuukako.

**OBA**

4. Okiikiridde banno okugenda okubuuza ku musomesa wammwe omulwadde, bw'otuuse ewuwe, omusanze anywa ggi ly'enkoko ebbisi ly'akugambye nti livumula ekifuba. Akutegeezezza ensonga lwaki buli maka mwandibaddemu enkoko. Ozzeyyo ku ssomero era kati nyumiza banno ebyo byonna omusomesa bye yakugambye.

**BIKOMYE WANO**